
# Ssenga ow'ettima akumye akaveera n'akatonnyeza omwana wa mwannyina



Ssenga Esther Nankunda, n'omwana gwe yayokezza ku ddyo.



Bya ERIA LUYIMBAZI

SSENGA ow'ettima akutte akaveera n'akakumako omuliro n'akatonnyeza ku mwana wa mwannyina gwe yamulekera okukuuma ng'amulanga kubba ssente 100,000/-.

Bino byabaddewo ku lunaku lwa Idd, omukazi Esther Nankunda abeera e Mutundwe mu Kanaala zooni bwe yayokezza omwana wa mwannyina engalo ng'akozesa akaveera nti, yabadde abbye ssente.

Omwogezi wa poliisi mu Kampala n'emiriraano, Rachael Kawala yagambye Nankunda yayokezza omwana ow'emyaka 10 ng'asoma P4 nga mwannyina ye yamumuwa okubeera naye.

Yagambye nti, ku lunaku lwa Idd ku ssaawa 11:00 ez'olweggulo Nankunda yanoonya ssente ze nga taziraba kwe kukwata omwana n'amwokya engalo.

Abaserikale ku poliisi y'e Nateete baatemezeddwaako ne bakwata Nankunda n'aggulwako omusango gw'okutulugunya omwana nga okunoonyereza bwe kugenda mu maaso.